Abaebbulaniya Essuula ey'Omunaana (8)

Essuula eno enyonyola omukisa ogwamanyi gwetulina mu Kabona asinga obukulu, oyo ayawukana ku balala era alina amaanyi okutuleetera endagaano empya.

Endagaano Ey'Olubereberye

Kitugwaanide okwejukanya nti endagaano ey'Olubereberye yali ntegeregana eyali wakati wa Katonda n'omuntu, eyali yesigamye ku mateeka ga Katonda. Singa abantu baakuuma amateeka ga Katonda, awo Katonda yandibakiriza, naye obutakuuma mateeka ge kileeta okugaanibwa era n'okwawukana ku Katonda. Kino nno kituleetera embeera etali nungi kubanga tetusobola kutuukana na butukirivu bwenkanide awo.

Yesu, Kabona waffe asinga obukulu

Bwe yamaliliza omulimu gwe ogw'okulokola, Yesu yatuula muggulu era kati abeera mukubeerawo kwa katonda kitaffe. Tawadeyo saddaaka ya ngano oba bisolo naye omusaayi gwe ye, ogwo gweyayiwa olw'obuwa kulwaffe era nga kati tali kunsi kugezaako kufuna bulokozi naye ali muggulu, nga atwegayiriirira n'okutwogerera lubeerera.

Yeekalu ne tabenankuulo byazimbibwa byesigamizidwa ku bipimo bya Katonda, nga bikiikirira ekifo ekitiibwa kya Katonda we kibeerera- naye byali bya nsi. Ekituufu kiri nti Yesu ali wamu ne Katonda Kitaffe, Eri muggulu.

Yesu assaawo endagaano empya nga yesigamye ku bisuubizo ebisinga kubikadde. Eteeka litukomerera era litulaga ebitulemye naye Yesu atufuula batukuvu ng'ayita mu saddaaka ye gyetuli.

Endagaano Empya.

Essanyu ly'endagaano empya liri nti Katonda, ng'ayita mu Kristu yajja n'akola ekyo kyetutasobola kukola. Kristu yakwata bulungi amateeka ga Katonda era kaakano, bwetwenenya ebibi byaffe era netussa okukiriza kwaffe mu Kristo, tukirizibwa Katonda kulw'enkolagana yaffe ne Kristo, sso ssi lwa kukwaata nakukuuma mateeka. Halleluyah! Kino kyanjawulo nyo.

Katonda lubeerera yateekateeka endagaano empya. Endagaano ey'Olubereberye yali yetaagisa naye yali ya kaseera katono ddala. Endagaano empya ssi yakungulu, omuntu watuukirira Katonda, naye ya munda buziba. Katonda aba atukyuusa okusobola okumusanyusa ye.

Amateeka ge agatadde mubirowoozo byaffe era ne kumitima gyaffe. Sso ssi kumayinja naye gawandiikidwa buziba mubulamu bwaffe. Omulimu gwa Yesu mukutufiiriirira ffe era n'Omwooyo Omutukuvu okubeera muffe mubujjuvu kikyuusa ebintu. Kaakati nno kikwaata

ku nkolagana yo. Okumanya Katonda kinnakimu n'okubeera owuwe ye.

Okumanya Katonda kyabutonde era kyannakimu, ssi lwakuba waliwo atugambye naye lwakuba tukimanyi kulwaffe, okuyita mukirabo eky'Omwooyo Omutukuvu. Kyonna kyetuli kalibe eddaala kwetuli; bagagga oba baavu, bayivu oba nedda, ba Kabona, bakulembeze oba baweereza, tekikosa busobozi bwaffe kumanya Katonda nga ffe. Kirabo kisuffu ddala Katonda kyatuwade fenna buli omu.

Endagaano ey'Olubereberye tekyetaagisa. Mukama waffe omusuffu enyo atemye ekubo epya, okuyita mu kiweebwaayo kye ye ku musaalaba. Yaffa, yazuukira era naagenda muggulu- nga byonna abikola lwakubeera ffe!

<u>Ensonga ez'okutunuulira</u>

1. Njawulo ki eriwo wakati w'Endagaano ey'Olubereberye n'Endagaano Empya?
2. Kikola njawulo ki nze okuba ne Jesu muggulu okusinga wano kunssi?
3. Kigera ki kwempulilira nga amateeka ga Katonda gandi mu mutima ne mubirowoozo byange, Ssi lwakuba nsomye ekigambo kya Katonda wabula okuyita mu kubeerawo kw'Omwooyo Omutukuvu?
4. Nyumirwa enkolagana yange ey'Endagaano Empya ne Katonda oba nkyafuba okukuuma ebiragiro by'enkolagana ey'Endagaano ey'Olubereberye?
5. Omutima gwange ngukuumira mukiffo ekituufu okusobozesa Katonda okwogera nange?
6. Enkolagana yange ne Katonda ngibalide muwendo gwenkana ki?

Mukama abawe omukisa!

Nze Richard ne Elaine Brunton